# Section 6: Respect cultural heritage and traditional knowledge, religious norms and support diversity and innovation.

| Section | Statements relating to compliance | Expected standards/ Check List | Max. score | Investor score | Comment |
|---|---|---|---|---|---|
| 6.1 | The investor respects and recognizes:<br><br>a) Contributions of smallholder farmers in conserving, improving and making available genetic resources;<br><br>b) Interests of breeders;<br><br>c) Application and use of locally adapted and innovative technologies. | a) Efforts in sharing seed/plant varieties e.g. cassava, coffee, banana;<br><br>b) Efforts in sharing animal breeds such as poultry, piggery, cattle, goats, sheep, etc.;<br><br>c) Efforts in sharing resilience crop varieties (grafting, cross-breeding of livestock) and the transfer of technology.<br><br>d) Efforts to promote local food varieties<br><br>e) Supports communities to preserve, improve food varieties | 5 | | |

# Section 7: Incorporate inclusive and transparent governance structures, processes, grievance redress mechanisms and assess and address impacts and promote accountability.

| Section | Statements relating to compliance | Expected standards/ Check List | Max. score | Investor score | Comment |
|---|---|---|---|---|---|
| 7.1 | The investor respects the rule and application of the law and is free of corruption as evidenced by:<br>a) No complaints about the investor have been presented to authorities at any level;<br>b) The investor has not been prosecuted in the courts of law over actions related to the investment. | a) Affected communities have not complained about the investor to local authorities;<br>a) The investor has no criminal records related to the investment | 3 | | |
| 7.2 | The investor:<br>a) Compiles and shares information about the investment with all relevant stakeholders;<br>b) Defines baseline data and indicators for monitoring and measures the impact of the investment;<br>c) Assesses changes and communicates results to stakeholders. | a) Shares the investment plans with the communities and local authorities;<br>b) Collects and documents data on number of employees, quantity of produce, land use coverage per product, environmental effects etc.;<br>c) Shares information with affected communities and local authorities. | 3 | | |

# Assessment conducted by:

| | |
|---|---|
| Assessed by: | |
| Institution: | |
| Designation | |
| Contact: | |



# EKITUNDU NAMBA BBIRI: OLUPIMO OLUKOZESEBWA OKWEKEBEJJA ENKOLA YA BA MUSIGANSIMBI

## Ebikwata Ku Musigansimbi

| | | | |
|---|---|---|---|
| Erinnya lya musigansimbi: | | Disitulikiti: | |
| Egombolola: | | Omuluka: | |
| Ekyalo: | | Ennamba y'essimu: | |
| Ekyo ky'asigamu ensimbi (Ebibira, Obulunzi, Obulimi) : | | Emirimu egikolebwa ng'asiga ensimbi: | |
| Obugazi bwettaka kw'akolera: | | Ensenga ye ku ttaka kw'akolera: | |
| Okulondoola lwe kukoleddwa: | | Enamba ezilaga ekifo wakolera: | |

# Akatundu namba emu: Okwongera ku bungi bw'emmere ate nga ya miganyulo wamu n'okutumbula n'okukuuma obuyoonjo n'omutindo mumakubo gona emmere mweyita nga tenatuuka ku asembayo okugikozesa.

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa/ | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 1.1 | Musigansimbi ataddewo emitendera gy'okufulumya emmere ekuumiddwa nga nyonjo ate nga ya mutindo eri obulamu | a) Okukozesa eddagala ettuufu oba erilambikibwa mu kufuyiira, okwaza n'okukuuma obujimu bwettaka.<br><br>b) Okukozesa obulungi eddagala erilambikibwa mubufuufu bw'alyo<br><br>c) Musigansimbi atumbula enteekateeka z'okufuna emmere emala, enyonjo era nga ya miganyulo. Atekawo kawefube n'enkola ey'okukuuma emmere nga ya mutindo n'okwewala okwetabibwamu ebintuntu ebiyinza okubeera eby'obulabe eri oyo agikozesa. Kawefube ono ayinza okugwa mu biti bino wamanga | 5 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa/ | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| | | • okuzuula n'okutegeka ettaka eddungi eririmibwako emmere.<br>• Okusimba ensigo ezisinga okubeera ez'omutindo omulungi.<br>• Okukozesa eddagala n'ebigimusa ebikiriziddwa abakugu n'abobuyinza mu ngeri entuufu.<br>• Okukuuma omutindo gw'amazzi ag'okufukirira (singa gabeera gakozesebwa)<br>• Okukozesa obukodyo obutuufu mu kukungula, okutereka, okulongoosa, okugata omutindo ne mu nkwata y'emmere.<br>• Entambuza ennungi ey'emmere nga etwalibwa mu butale oba eri abo abagirongoosa. | | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa/ | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 1.2 | Musigansimbi atumbula enkozesa y'emmere nga ayita mu bino wamanga:<br><br>• a)Amazzi amayonjo n'obuyonjo obw'awamu.<br>• b)Okubunyisa ebikozesebwa ebyomutindo mu kulongoosa n'okufumba emmere.<br>• c) Okuwanyisiganya amagezi ku mmere ey'emiganyulo n'obuyonjo | a)Kawefube atereddwawo okwongera amazzi amayonjo n'okutumbula obuyonjo okugeza: okusima enzizi, okulembeka amazzi kiyambeko abatuuze okufuna n'okukosesa amazzi amayonjo.<br><br>b) Kawefube w'okwongera okubunyisa amasanyalaze mu byalo<br><br>c)Kawefube owokusomesa mu ntegeka n'enkoseza ey'emmere ennyonjo era ey'emiganyulo. | 3 | | |

# Akatundu namba bbiri: Okutumbula enkulakulana ey'omuggundu ate nga teri alekeddwa mabega, n'okumalawo obwavu.

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusubirwa/ | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunyonyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 2.1 | Musigansimbi bw'aba nga agaba emirimu eri abakozi eb'ekiseera oba eb'enkalakkalira asosowaza bino wamanga :<br>a)Obutakozesa baana<br>b)Obutasosola mu bantu<br>c)Obutakaka bakozi<br>d)Eddembe ly'okwetaba mu bibiina | a)Musigansimbi tawa mirimu baana bali wansi wa myaka kumi ne satu, wabula abaana okuva ku kumi ne satu okutuuka ku kumi n'ena bayinza okuweebwa emirimu nga balondoolwa omuntu omukulu nga yekeneenya okusinziira ku bulamu bwabwe, empisa n'ebyensoma by'abaana abo.<br><br>b) Obutasosola mu kikula ky'abantu, emyaka, omuntu gy'asibuka oba ekirala kyonna, obutatulugunyizibwa mu ngeri yonna ku mulimu. Obubaka eri abakozi obulaga nti okukabasanya abantu mu bikolwa eby'okwegadanga ku mulimu kimenya mateeka, butimbiddwa mu kifo ekirabika era mungeri etegeerekeka; naddala nga buli mu lulimi olusinga okukozesebwa mu kitundu ekyo. | 5 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusubirwa/ | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunyonyola |
|---|---|---|---|---|---|
| | | Okuloopa nokubaako kyokola ku nsonga z'okabasanyizibwa, n'okutulugunyizibwa okwesigamiziddwa ku kikula ky'abantu.<br><br>c) Abakozi bakola awatali kukakibwa obutasukka naku mukaaga mu wiiki ate olunaku olumu ne bawummula. Essaawa ez'okukola mu wiiki ziri ana mu munaana. Omukozi essaawa z'akoze ezeyongera mu ezo zanyongereza era zirina okusasulwa. Oluvannyuma lw'omukozi okuwerereza emyezi ena egy'omuddiringanwa, aweebwa oluwummula lwa nnaku musanvu (mu mwaka ennaku abiri mu lumu). Omukyala asulirira okuzaala oba azadde awebwa oluwummula lwa nnaku nkaaga, ate omwami we aweebwa oluwummula lwa nnaku nnya ez'okukola.<br><br>d) Abakozi ba ddembe okwetaba mu bibiina by'abakozi bye beyagalidde. | | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusubirwa/ | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunyonyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 2.2 | Musigansimbi emirimu gyeyenyigiramu gigunjaawo emirimu emipya egiteekawo bino wamanga:<br>a)Gusasula bulungi<br>b)Abakozi balina obwesigwa n'obukakafu ku mirimu<br>c)Emirimu giwa obukuumi eri abakozi | a) Buli mukozi aweebwa ensako ye mu budde n'obukakafu obulaga ekyo.<br><br>b) Buli mukozi ow'enkalakkalira alina endagaano empandiike wakati we n'omukozesa erambika enkola n'obukwakulizo obw'omulimu. Tewali bakozi batekeddwa kukola bbanga lisukka myezi ena nga tebawereddwa ndagaano ne kaadi y'omulimu. Olukalala lw'abakozi lukuumibwa nga lulaga ebibakwatako omuli : amannya, emyaka, ekikula, ekyalo gy'ava, ennamba y'endagamuntu, olunaku lwe yaweebwa omulimu n'ebirala. Endagaano zikolebwa mu bwenkanya nga ziraga obuvunanyizibwa n'eddembe lya buli luuyi wakati w'omukozi n'omukozesa era nga ziyinza okuzzibwa obuggya. | 3 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusubirwa/ | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunyonyola |
|---|---|---|---|---|---|
| | | c)Tewali kutulugunyizibwa kukolebwa ku mulimu. Musigansimbi awa abakozi be ebintu by'okukozesa n'okwekumisa, era ateekawo kawefube ow'okutangira obulabe bwonna okugwawo. Ateekawo eby'obuyonjo ebyangu okukozesa oli kaabe nga alina obulemu. Ateekawo ebikozesebwa mu bujanjabi obusokerwako n'okuwa amawulire ku by'obulamu n'emitendera gy'obukuumi egigobererwa mu nkola y'emirimu egy'ekitongole ekyo. | | | |

# Akatundu nnamba satu: Okutumbula obwenkanya mu kikula ky'abantu n'okusoosowaza n'okuwagira abakyala wamu n'okukubiriza n'okuwagira abavubuka okwenyigira obutereevu mu mirimu gy'enkulakulana.

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusubirwa/ | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunyonyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 3.1 | Musigansimbi atumbula obwenkanya mu nkozesa y'ettaka n'ebyobuggaga eby'obutonde eri :<br>a) Abakyala<br>b) Abavubuka<br>c) Abantu abaliko obulemu | • Kawefube ow'okusomesa abantu abetaaga omwasirizi ku ddembe lyabwe ku ttaka.<br>• Obwenkanya mu kufuna n'okukozesa amazzi, enku, enguudo, amalundiro, n'enzizi. | 3 | | |
| 3.2 | Musigansimbi alina enkola gye yateekawo okulaba nga abantu benyigira mu ngeri ey'omuggundu mu bisalibwawo ne mu bukulembeze eri :<br>a) Abakyala<br>b) Abavubuka<br>c) Abantu abaliko obulemu | • Musigansimbi awagira abakyala, abavubuka, abantu abaliko obulemu okwenyigira kyenkanyi mu nzirukanya y'emirimu n'obukulembeze.<br>• Waliwo amakubo agatereddwawo okugonjoola obutakkaanya mu bwenkanya.<br>• nga afuna amawulire ageetagisa. | 3 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusubirwa/ | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunyonyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 3.3 | Musigansimbi ateekawo enteekateeka ey'okubangula n'okusomesa eri:<br>a) Abakyala<br>b) Abavubuka<br>c) Abantu abaliko obulemu | Ateekawo enkola ez'okutendeka abantu eziganyula buli omu omuli n'abo abetaaga omwasirizi. | 3 | | |
| 3.4 | Musigansimbi atumbula tekinologiya mu nkola y'emirimu nga amuggase ku magezi ga nansangwa eri:<br>a) Abakyala<br>b) Abavubuka<br>c) Abantu abaliko obulemu | • Awa abantu bonna enkizo mu kufuna n'okukozesa ebintu ebikozesebwa mu bulimi n'obulunzi.<br>• Ateekawo tekinologiya mu nkola y'emirimu asikiriza naddala abavubuka, abakyala, n'abantu abaliko obulemu.<br>• Okugatta awamu tekinologiya omupya mu nzirukanya y'emirimu n'amagezi ga nansangwa naddala eri ebiti by'abantu abetaaga omwasirizi. | 3 | | |

# Akatundu nnamba nnya: Okuwa ekitiibwa ensenga ez'enjawulo, eddembe mu nkozesa, n'obwananyini ku ttaka, eby'obuvubi, eby'ebibira n'amazzi

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 4.1 | Musigansimbi amanyi enambika yonna egobererwa ensi yonna awamu ne'gwanga lye mu kusiga ensimbi mu ngeri ey'obuvunanyizibwa era agamba nti gy'agoberera | • Alaga nti amanyi amateeka g'ensi yonna agagobererwa mu kusiga ensimbi mu ngeri ey'obuvunanyizibwa omuli: VGGT, RAI, enambika, ensengeka, n'enkola y'amateeka, n'ebirala<br>• Amanyi amateeka ne'nambika ye'gwanga ku'kusiga ensimbi mu byo'bulimi mu ngeri eyo'buvunanyizibwa | 3 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 4.2 | Musigansimbi akkiriza nti tewali kusengulwa kutali kwa kyeyagalire mu nkola y'okutwala oba okufuna ettaka.<br><br>Mu buufu bwebumu musigansimbi akkiriza nti teyagobaganya bantu nga afuna ettaka elyo | • Mu mbeera nga abantu baawalirizibwa okuva ku ttaka musigansimbi oba gavumenti nga ekigenda okukolebwawo tekinatandika, watekeddwa okubeerawo obujulizi obw'essimba nti baliyirirwa oba baawebwa ekitundu ekirala mwe baasengukira | 3 | | |
| 4.3 | Musigansimbi akkiriziganya era awa ekitiibwa amateeka agafuga eddembe ku ttaka, obutonde, n'ebyobuggaga eby'obutonde. | • Musigansimbi amanyi ku ddembe n'obwananyini ku ttaka ly'enono, ebibanja bya balimi abasookerwako wamu n'eddembe ly'abasenze ku ttaka lya Mailo.<br>• Musigansimbi ateekawo era nakkiriza abantu okukozeseza awamu ebintu ebiteredwawo okugeza; amakubo, amazzi nebirala | 3 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 4.4 | Musigansimbi ataddewo enkola ez'okumalawo enkaayana. | • Enkaayana oba obutakaanya wakati wa musigansimbi n'abantu abakoseddwa zigonjooddwa mu nkola ezirambikiddwa mu mateeka<br>• Yeetaba mu kumalawo obutakaanya naddala ku abo abateesobola n'abanyigiriziddwa | 3 | | |
| 4.5 | Musigansimbi akakasa nti abantu b'omukitundu ekyo n'ebyalo ebirira-nyewo bawagira enkula-kulana eyo. | • Ebitundu kinaana ku buli kikumi ku abo abantu b'omukitundu bawagira enkulakulana eyo<br>• Musigansimbi n'abekitundu ekyo bonna baganyulwamu | 3 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 4.6 | Musigansimbi yakola okwebuuza okumala kubuli mutendera nga ateekawo enkulakulana eyo. | • Abantu abaakosebwa baategeezebwa ,beebuzibwako era nebakkiriza kyeyagalire emirimu gya musigansimbi nga teginaba kutandika mu butongole<br>• Okuliyilirwa wekw'akolebwa, emitendera egigobererwa mukuliyirila mubwangu, mu'bwenkanya ne mu mazima gyagobererwa.<br>• Abantu b'omukitundu ekyo baategezebwa era beetaba mu kuteekateeka ne mukussa mu nkola enkulakulana eyo | 3 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 4.7 | Enkulaakulana tekosa era tetaataaganya enfuna, obunji n'omutindo gw'emmere mu kitundu ekyo | • Musigansimbi abeera avodde eddembe ly'obuntu ku mmere singa apangisa oba agula ettaka ku bantu b'omukitundu ekyo ekibajjako eddembe lyabwe ku by'obuggaga ebiteewalika kuba nabyo mu bulamu obwabulijjo<br>• Okugeza; okulima ekirime ekimu nga kivaamu nsimbi zokka ekiviirako ebbula ly'emmere mu kitundu | 3 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 4.8 | Enkulaakulana eyo teyongera ku kunyigiriza abo abeetaaga omwa-sirizi | • Enkulaakulana tegyawo, tesosola, tegobaganya bakyala, abavubuka, n'abaliko obulemu okufuna okuganyulwa okuva mu nkulaakulana eyo.<br>• Enkulaakulana ewagira eddembe ly'abo abeetaaga omwasirizi ku ttaka okugeza; olukusa lw'abafumbo okukkaanya ku bibeera bigenda mu maaso ku ttaka. | 3 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bw'ofuna | Obubonero musigansimbi bw'afunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 4.9 | Musigansimbi ateekawo enkola etunuulira enkyukakyuka ku butonde bwensi okusobola okutumbula enkozesa ey'ebyobuggaga ey'omuggundu nga bwakendeeza obutyabaga n'okubutangira. | • Okuyita mu ngeri enyangu ey'okwekenenya eby'obutonde (omuli okuteekateeka, okutunuulira, okukendeeza obutyabaga n'okubiteeka mu buwandiike)<br>• Oba okwekenenya engeri enkulaakulana eyogerwako gyegenda okukosaamu obutonde n'abantu(ESIA) | 3 | | |

# Akatundu nnamba ttaano: Okukuuma n'okussaawo enkola etusobozesa okubeera n'obuggaga obw'ensibo, n'obutonde, okugumira enkyukakyuka y'obudde, n'okukendeeza ebigwa tebiraze

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bwofuna | Obubonero musiga nsimbi bwafunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 5.1 | Musigansimbi ataddewo enkola ezigenda okuziyiza, okukendeeza, oba okutereeza ebisobye ku:<br>a) Empewo<br>b) Ettaka,<br>c) Amazzi<br>d) Ebibira<br>e) Ebisolo ebiwangaalira ku mazzi, ebinyonyi, ebiwuka n'ebyewalula | a) Okuziyiza okwonoona empewo, nga okwokya kasasiro, obubi bw'ebisolo, emikka n'enfuufu ebiva mu makolero(okugeza:emmwanyi ne kasooli)<br>b) b) Okuteeka amaanyi mu nkola z'okubikka, okukozesa nakavundira, okuteeka ensalosalo n'okusima ebinnya oba emigegere,<br>c) c) okuziyiza okukyafuwaza amazzi,okutangira ettosi, okussa amaanyi mu by'okufukirira, okubibira amazzi, okugasengejja n'okuddamu okugakozesa<br>d) d) Okwongera amaanyi mu kusimba emiti n'okugikuuma<br>e) Okussaawo enkola ey'okutaakiriza ebimera n'ebisolo eby'enjawulo mu kitundu, kibisobozese obutasaanawo omuli no'kukuuma entobazzi. | 5 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bwofuna | Obubonero musiga nsimbi bwafunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 5.2 | Musigansimbi:<br>a) Awagira okukuuma ebimera n'ebisolo ebyenjawulo mukitundu n'ensigo zi nansangwa.<br>b) Ateekawo enkola eziyamba okutumbula ebyobulimi, okwongera ku bungi bw'emmere, obutale, n'entambuza yabyo, okugumira enkyukakyuka mu mbeera z'obudde. | a) Okugeza ataakiriza ensigo zi nansangwa n'ebisolo ebizaaliranwa; okuteekawo enkola erwanyisa endwadde omuli; okulondoola ebisolo, okutunuulira ensibuko yaazo, entambula zaazo, n'ebizivaamu, n'ebirala<br>b) Okugeza okukozesa ensigo oba ebisolo ebigumira enkyukakyuka y'embeera y'obudde, okukuuma amazzi n'ettaka<br>c) Okugeza okuzzaawo entobazi nga bwezaali ziddemu zikole omulimu gwazo ogw'okusengejja, okwewala okkulugukka kw'ettaka, okusimba emiti nga tutegeeza abantu omulimu gwe betisse mu kintu kino<br>d) Okugeza enkola enungi, okulwanyisa endwadde n'ebiwuka mu kiseera kyo kukungula n'okutereka | 5 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bwofuna | Obubonero musiga nsimbi bwafunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| | c) Yeetaba mu kugunjawo enkola ezizzaawo obutonde bwensi ate era n'okubukuuma.<br><br>d) Ateekamu amaanyi okukendeeza okwonoona nokufiirizibwa mubyobulimi naddala nga amalirizza okukungula<br><br>e) Ateekawo enkola ekendeeza oba egyawo emmika ejobulabe | e) Okugeza okussaawo ebisobola okuvaamu amasanyalaze nga; obubi bw'ebisolo wamu n'amaanyi g'enjuba | | | |

# Akatundu nnamba mukaaga: Okuwa ekitiibwa eby'obuwangwa n'ennono, eddiini, obuyiiya n'obuvumbuzi bwa bannansi

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bwofuna | Obubonero musiga nsimbi bwafunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 6.1 | Musigansimbi akkiriza era awa ekitiibwa:<br>a) Omugaso gw'abalimi abasookerwako mu kukuuma, okuyimusa omutindo n'okubeerawo kw'ensigo enzaaliranwa<br>b) Kaweefube wa bawakisa, abaaluza n'abayunga ensigo<br>c) Okuteeka mu nkola amagezi agasangiddwaawo n'agavumbuddwa | a) Kaweefube mu kugabana ensigo oba ebimera eby'enjawulo okugeza; muwogo, emmwaanyi n'ammatooke<br>a) Kaweefube mu kugabana ensigo mu'bisolo nga ebinyonyi by'ewaka, embizzi, ente, embuzi, endiga n'ebirala;<br>c )Kaweefube mu kugabana ebirime ebigumira enkyukakyuka mu mbeera y'obudde (ebiyunge, okuwakisa ebisolo) n'okukozesa amagezi ag'ekikugu oba tekinologiya<br>d) Kaweefube mu kutumbula no'kuwagira emerre e'nansangwa<br>e) Awagira abatuuze abamulinaanye okukuuma emmere eyenjawulo | 5 | | |

## Akatundu nnamba musanvu: Okwekebera n'okuvaayo mu bulambulukufu n'olaga ebirungi oba ebibi ebiva mu ebyo byokola n'ebyotegeka okukola, okuteekawo enkola y'okuteeseganya ey'obwasseruganda, mu bwerufu awatali kusosolebwa eri bonna bekikwatako singa wabaawo obutakkanya.

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa /Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bwofuna | Obubonero musiga nsimbi bwafunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 7.1 | Musigansimbi akkiririza mu nkola eyamateeka era teyeetaba mu kulya nguzi nga kilabikira mu:<br><br>a) Butabeerawo kwemulugunya kwonna ku musigansimbi kwali kuleteddwa eri ab'obuyinza ku mitendera gyonna<br><br>b) Musigansimbi tawozesebwangako mu kooti ku nsonga ezikwatagana n'enkulaakulana eyo | a) Abantu b'omukitundo ekyo tebeekubirangako nduulu nga beemulugunya ku musigansimbi mu lukiiko lwonna oba mu b'obuyinza<br><br>b) Musigansimbi tayinayo musango ogwengassi oba gwanaggomola gwonna gwali gumugguddwako ogwekuusa ku nkulaakulana eyo | 3 | | |

| Akatundu | Ebirina okutukirizibwa | Omutindo ogusuubirwa / Byetugoberera okukebera omutindo | Obubonero obusinga okuba obungi bwofuna | Obubonero musiga nsimbi bwafunyeko | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|---|---|
| 7.2 | Musigansimbi:<br>a) Akungaanya era agabana ebikwata ku nkulakulana ye naabo bonna be kikwatako<br>b) Ateekawo ebiwandiiko ebitandikirwaako n'ebinakozesebwa mu kulondoola n'okupima emigaso n'obulabe bw'enkulakulana<br>c) Yekeneenya enkyukakyuka era n'azitegeeza bonna be kikwatako | a) Agabana n'abatuuze n'abobuyinza enteekateeka ze<br>b) Akungaanya era n'assa mu buwandiike omuwendo gw'abakozi, obunji bw'ebyamaguzi bw'afulumya, obugazi bw'ettaka bw'akolerako, ebibi n'ebirungi enkulakulana by'ereeta ku butonde bwensi<br>c) Agabana amawulire n'abantu b'omukitundu ekyo n'abobuyinza | 3 | | |

## Okunonyereza kukoleddwa:

| | |
|---|---|
| **Anoonyerezza:** | |
| **Ekitongole:** | |
| **Akola nga ani:** | |
| **Omufuna otya:** | |

This publication was produced with the financial support of the European Union and the German Federal Ministry of Economic Cooperation and Development (BMZ). Its contents are the sole responsibility of GIZ and do not necessarily reflect the views of the EU or the Federal Ministry of Economic Cooperation and Development (BMZ).

THE REPUBLIC OF UGANDA
MINISTRY OF LANDS, HOUSING AND URBAN DEVELOPMENT

Co-founded by the European Union

german cooperation
DEUTSCHE ZUSAMMENARBEIT

UIA
Uganda Investment Authority
your investment is our business

Implemented by:
giz Deutsche Gesellschaft für Internationale Zusammenarbeit (GIZ) GmbH

## IMPRINT

**Published by:**
Deutsche Gesellschaft für Internationale Zusammenarbeit (GIZ) GmbH

**Registered offices**
Bonn and Eschborn, Germany

Department Rural Development, Agriculture
Friedrich Ebert Allee 36 + 40
53113 Bonn, Germany

T +49 228 44 60-0
F +49 228 44 60-17 66
E GlobalvorhabenLand@giz.de
I www.giz.de/responsiblelandpolicy

**Responsible:**
Dr. Klaus Ackermann
klaus.ackermann@giz.de

Christina Ketter
christina.ketter@giz.de

**Authors:**
Anna Karolina Lamik
anna.lamik@giz.de

Richard Katende
katenderichard@gmail.com

**Design, layout and illustrations:**
Ronny Kahuma Kahroy
kahroy@gmail.com